# Uganda ekoze eddagala erigema enkwa

Bya JALIAT NAMUWAYA NE PETER SAAVA

UGANDA etandise okukola eddagala erigema enkwa, Pulezidenti Museveni n'atongoza ekkolero ly'eddagala lino erisookedde ddala ku lukalu lwa Africa.

Ku mukolo gw'okutongoza eddagala lino eryatuumiddwa NAROVAC-ATVI, Pulezidenti yasiimye bannassaayansi olw'obuyiiya buno era n'alagira okuggyawo omusolo ku misaala gya bannassaayansi.

Yasabye ababaka ba Palamenti okuwagira ekiteeso kino ng'ekiseera ky'okukyanja mu Palamenti kituuse. Yawadde ekyokulabirako ky'emisaala gy'abaserikale ba poliisi, abaamagye n'abeebyokwerinda abalala nti tegiggyibwako misolo olw'emirimu egy'enkizo gye baweereza eggwanga, n'asaba ne bannassaayansi baweebwe enkizo nga basonyiyibwa omusolo ku misaala gyabwe.

Bino byabadde mu kibangirizi ky'ettendekero erinoonyereza ku by'ebisolo ekya NaLIRRI ku kyalo Nakyesasa e Namulonge mu disitulikiti y'e Wakiso nga Pulezidenti yasoose kulambula



Museveni ng'akwasibwa satifikeeti. Ku ddyo ye Minisita Tumwebaze. Kozesa Vision Digital Experience App olabe vidiyo.

kkolero ly'eddagala lino.

Ku mukolo guno, Museveni yasuubizza okwongera bannassaayansi ab'ekitongole kya NARO abaawomye omutwe mu buyiiya buno obuwumbi 600 okwongera amaanyi mu buvumbuzi bw'eddagala.

Yategeezezza nti abalunzi okusingira ddala mu disitulikiti y'e Sheema, Igara, Buhweju n'endala nnyingi babadde bafiirizibwa nnyo olw'enkwa ezirumba ensolo zaabwe naye kati ekizibu aba NARO baakinogedde eddagala. Era yabasabye bayitireko ne ku ffaamu ze bamuyambeko okugema ente ze, enkwa bazifuule olufumo.

Akulira ekitongole ekinoonyereza ku by'obulimi n'obulunzi mu ggwanga ekya NARO, Yona Baguma yagambye nti bannassaayansi bamaze emyaka 10 nga banoonyereza ku ddagala lino era bakakafu nti liri ku mutindo.

N'agamba nti, ente egemebwa buli luvannyuma lwa myezi mukaaga ng'eddagala lino ku katale lya 10,000/-.

Ekkolero ly'eddagala lino lirina obusobozi obufulumya ddoozi obukadde 3 buli mwezi, ddoozi obukadde 36 omwaka era we baalitongolezza baabadde ne ddoozi akakadde kamu n'ekitundu.

Minista w'ebyobulimi n'obulunzi, Frank Tumwebaze yagambye nti kati abalunzi bagenda kweyongera okufuna amagoba kuba ssente ezisinga zibadde ziggweera mu kugula ddagala lya nkwa ate ng'eriri ku katale erisinga lya bicupuli.

Kaminsona owa customs mu kitongole ky'emisolo ekya URA, Hasadu Kigozi yagambye nti, Uganda buli mwaka ebadde ekozesa obukadde bwa ddoola nga 100 okugula wabweru eddagala erigema enkwa, n'agamba nti ke batandise okulikola wano, ssente ezo zaakukeekebwa mu nteekateeka endala ez'enkulaakulana.